# Kkooti esazizzaamu ennongoosereza mu tteeka ku nkozesa ya kompyuta

Bya EDWARD LUYIMBAAZI

KKOOTI etaputa Ssemateeka esâzizzaamu ennongoosereza ezaakolebwa mu tteeka erikwata ku nkozesa embi eya kompyuta erya 'Compûter Misuse Act' nga bagamba nti, Palamenti teyagoberera mateeka mu kuziyisa.

Ensala ya kkooti eyasomeddwa omulamuzi Irene Mulyagonja yagambye nti, Palamenti bwe yali eyisa etteeka lino mu 2022 teyaliimu muwendo gw'ababaka ab'essalira ekintu ekikontana n'amateeka agafuga entuula za Palamenti naddala etteeka 24 (3) erya Rules of Precedure.

Abalamuzi abalala kwabaddeko; Ketra Kitariisibwa Katunguka, John Mike Musisi, Jesse Byaruhanga-Rugyema ne Esta Nambago era bonna bassizza kimu nga nkuyege.

"Ennongoosereza ezaayisibwa Palamenti zaali nfu, kuba zaayisibwa tebagoberedde mateeka agalagira okukakasa ng'omuwendo gw'ababaka ogwetaagisa guwera," Mulyagonja bwe yagambye.

Kkooti yayimirizza Gavumenti n'ebitongole byayo obutakwata n'okuvunaana omuntu abeera asangiddwa ng'amenye amateeka abawaabi ge beemulugunyaako nga batwala omusango mu kkooti.

Obuwaayiro obwagaaniddwa kuliko akabadde kavunaana omuntu okufuna amawulire agakwata ku muntu nga tamuwadde lukusa, okweyambisa obubi emitimbagano, okweyambisa amawulire agakwata ku mwana nga tolina lukusa, okwogera ebigambo ebisiga obukyayi era byonna tegikyali misango mu tteeka.

Omubaka Muhammad Nsereko (Kampala Central) ye yaleeta ennongoosereza mu tteeka ezaayisibwa Palamenti nga September 8, 2022 ate Pulezidenti n'alissaako omukono nga October 14, 2022.

Lino si ly'etteeka erisoose okusazibwamu kkooti olwa Palamenti okugayisa nga terina muwendo gw'ababaka ogw'essalira nga 'Anti-Homosexuality Act ne Narcotic Drugs and Psychotropic Substances (Control) Act.'



Muhammad Nsereko.

Abaatwala omusango mu kkooti kuliko ebitongole n'abantu ssekinnoomu okuli; Alternative Digitalk Limited, Norman Tumuhimbise, Musoke Arnold Antthony, Bikobere Farida, Mukiibi Jerimiah, Tumusiime Kato, Lillian Luwedde, Tulyahabwe Rogers, Nabukeera Teangel Teddy, Namirembe Angella, Esomu Simon Peter, Odur Anthony.

Abalala kuliko; Human Rights Network for Journalists-Uganda (HRNJ-U), Chapter Four Uganda, Collaboration on International ICT, Policy for Eastern and Southern Africa, Centre for Constitutional Governance, Unwanted Witness Uganda, Centre for Public Interest Law, Strategic Response International, Africa Centre for Media Excellence, Editors Guild, Winnie Kiiza, Agather Atuhaire, Andrew Wandera, Morgan Muhindo, Lilian Drabo ne Uganda Law Society.

Bannamateeka ababadde bakiikirira abawaabi kuliko; Eron Kiiza, George Musisi, Aboneka Michael, Paul Wasswa, Henry Byansi, Jude Byamukama, Paul Katunguka ne Kakuru Tumusiime.

Pulezidenti w'ekibiina ekigatta bannamateeka ekya Uganda Law Society, Isaac Ssemakadde yafulumizza ekiwandiiko mwe yasabidde abantu bonna abali mu mbuga z'amateeka n'abaaweebwa ebibonerezo nga beeyambisa amateeka agaasaziddwaamu, baggyibweko emisango egibavunaanibwa.